# Agambibwa okuggyamu abakazi nnabaana mukwate

Bya HARRIET NAKALEMA


OMUSAJJA agambibwa okweyita dokita akwatiddwa ku by'okuggyamu abakazi basatu nnabaana.

Henry Francis Kadaga,47, ye yakwatiddwa oluvannyuma lw'ebitongole okuli eky'ebyobulamu, ekivunaanyizibwa ku kukakasa abasawo mu ggwanga ekya Allied Health Professionals wamu n'akakiiko akalondoola ebyobulamu aka Health Monitoring Unit okukola ekikwekweto ku malwaliro agatalina bisaanyizo.

Kadaga n'abalala babiri baasooka kukwatibwa mu mwezi gwa October omwaka guno oluvannyuma lw'okulongoosa omukazi Ritah Nansubuga, 35, mu kalwaliro ka Sun Set Consultant Clinic okuliraana eddwaaliro ly'e Mulago, wabula n'afa.

Kadaga ne banne okuli; Joel Kyowanika eyatandika akalwaliro kano ne Hassan Budhugo,43, baakwatibwa ne bavunaanibwa mu maaso g'omulamuzi Ronald Kayizzi n'abasindika ku limanda mu kkomera e Luzira ku misango gy'okutta omuntu mu butanwa n'okwekobaana okuzza omusango.

Oluvannyuma bonna beeyimirirwa ku kakalu ka kkooti ne bava mu kkomera.



Kadaga (ku mpingu) ng'agezaako okunnyonnyola abasawo ekifo kye bwe kituukanye n'omutindo.

Ku Lwokubiri, Kadaga ne banne baasangiddwa mu kalwaliro akalala aka Mulago Health Medical Centre International nga nako kasangibwa Mulago nga baliko omuwala gwe baabadde batandise okulongoosa nga kigambibwa nti, abadde n'obuzibu mu lubuto. Kyokka omuwala bwe yatwaliddwa mu ddwaaliro e Mulago kyazuuliddwa nga talina buzibu bwonna.

Omuwala ono (amannya galekeddwa) yategeezezza nti, omusawo yabadde amusabye ssente akakadde kamu era abooluganda lwe baabadde bazeesonze nga ziweze.

Omu ku baakuliddemu ekikwekweto kino, Michael Mubiru Kayizzi yategeezezza nti, ekyabawalirizza okukikola ge malwaliro amayitirivu ng'agamu tegalina bisaanyizo nga n'abafere bangi abeerimbika mu mulimu guno.

Kadaga yasangiddwa n'ebyuma ebitatuukanye na mulembe nga n'ekitanda kw'alongooseza kyatalagga, firiigi erimu omusaayi, eddagala ery'enjawulo wamu n'esseppiki y'ebijanjaalo. Ekirala ekifo w'alongooseza yali ggalagi ekitakkirizibwa mu mateeka g'ekisawo.

Kayizzi yagasseeko nti, bwe baayongedde okwekebejja ekifo kwe kugwa ku bawala basatu abaabadde mu busenge obw'enjawulo nga baggyiddwaamu nnabaana kwe kumuteeka ku mpingu, olwo banne b'abadde akola nabo okuli Hassan Budhugu ne Andrew Ajuna ne badduka.

Abooluganda lw'abakazi abaasangiddwa nga babaggyeemu nnabaana baasabye Kadaga abaliyirire, wabula n'abategeeza nti, abakazi bano baaleetebwa mu kalwaliro ke okubakolako era yakikolako, nga tebalina kye bamubanja.

Kadaga ne banne babadde baakudda mu kkooti leero nga December 11, 2025.